


Rev. Lukwago ng'ali n'aba Fathers' Union n'abalala abeetabye ku mukolo. Owookusatu ku kkono emabega ye, Muky. Kasaato n'omwami we.

# Abakristaayo babajjukizza obubonero amaka kwe gatambulira

Bya SHARIF SEBUNYA

ABAKULEMBEZE b'abaami Abakristaayo abafumbo mu Bulabirizi bw'e Namirembe aba Fathers' Union bakoze akabaga k'amazaalibwa ng'ensisinkano ebadde Maganjo mu division y'e Nabweru mu maka g'omwami n'omukyala Godfrey Kijjambu.

Omukolo gwetabiddwaako atwala aba Fathers' Union mu Bulabirizi bw'e Namirembe, Wilbergrace Naigambi, atwala abakyala Abakristaayo abafumbo mu Buganda, Josephine Kasaato n'omwami we Daniel Kasaato, Omusumba w'Obusumba bw'e Maganjo, Rev. Akkiriza Lukwago n'abalala.

Mu kusaba Rev. Lukwago akuutidde Abakristaayo okufaayo ennyo eri obubonero okusobola okumanya amaanyi ga Katonda. Ayogedde ku maka g'agambye nti, mangi ensangi zino tegalina kabonero ka nkulaakulana n'asaba Abakristaayo okwekubamu ttooci.

Ayogedde ku bubenje mu nnaku enkulu bw'agambye nti, okusinga buva ku bantu ababuusa amaaso obubonero ne bakola bye balowooza nti, bye bituufu okukkakkana nga batugumbudde abantu nabo okufiirwa obulamu.

Naigambi yawadde alipoota kw'ebyo ebikoleddwa ekibiina ky'abaami abafumbo omuli enkulaakulana okuyita mu pulojekiti ez'enjawulo. Alaze obukulu bw'amaka ng'ebbanguliro erisooka nga bwegaba tegateredde n'eggwanga liba mu katyabaga n'asaba abafumbo obutagajaajaamya.

Kasaato yawabudde abazadde ku nkuza y'abaana eserebye naddala mu bibuga ng'ennyumba eddiiro ky'ekisenge n'asaba abazadde okukola ennyo bave mu mbeera eyo.